EBYOBUWANGWA BYAFFE TETUBISULIRIRA

Posted by omumbejja - 2008/01/13 00:00

Nnaabagereka Sylivia Nnagginda ng’ayigiriza abamu ku Basaakaate engeri y’okulukamu omukeeka.

Bya Terah Kaaya

EKISAAKAATE y’emu ku nkola Buganda mw’eyise okunyweza empisa, obuwangwa, obuntubulamu n’ennono mu baana baayo. Eky’omwaka guno, Nnaabagereka Sylivia Nagginda yakigguddewo ku ssomero lya Mbogo Mixed Secondary e Kawanda.

Ekisaakaate kitambulidde ku miramwa 11 gyonna nga gyekuusa ku kuzza abaana abakyali mu myaka emito ku biruubirirwa by’okukuza Obuganda.

Abaana abatuumiddwa Abasaakaate, 865 be bakyetabyemu nga kuliko n’abavudde wabweru w’eggwanga nga Kenya awaavudde Abasaakaate 12, South Africa 12, e Tanzania n’abalala 7 okuva e Bungereza.

Omugunjuzi omukulu, Anatole Kiriggwajjo agamba, abantu bangi okuva mu mawanga amalala beegomba empisa, ennono n’obuntubulamu bw’Abaganda era eno y’ensonga lwaki nabo baa-leese abaana baabwe bayigirizibwe ku bintu ng’ebyo.

Kirigwajjo yategeezezza nti ku baana bano, 140 bokka be balenzi. Annyonnyola nti abaana baabayise basaakaate nga baagala okukomyawo omutima gwa Buganda n’enjogera eyabeeranga mu bisakaate.

Abasaakaate baategekeddwa mu bibinja bisatu okusinziira ku myaka gyabwe. ekisooka kirimu ba myaka 9 okutuuka ku 12 nga bano bali 192, ab’e 13 -15 nga bali 208 ng’abasigadde bali wakati w’emyaka 16 -18.

Ebisomesebwa mulimu:

1. Obunnamuntu: Lino ssomo erisomesebwa Abasaakaate okutandika n’okunyweza okwetegeera, okwekkiririzaamu wamu n’okwekuuma nga ba kitiibwa.

2. Entondwa: lino ssomo abaana lye bayigirizibwa okwetegeera ekikula kyabwe nti balenzi oba bawala ate basobole okwekkiririzaamu.

3. Obwakabaka: Mu lino, Abasaakaate bakubirizibwa okwagala Obwakabaka bwabwe, okubutegeera obulungi, okubayamba okusibusa mu bo obuvunaanyizibwa, obukulembeze obwegombesa n’okwettanira empisa ez’obuntubulamu.

4. Obukulembeze: Muno abaana bayigirizibwa obukulembeze era nga bategekebwa mu masaza buli omu n’amanya essaza ly’avaamu, omukulu waalyo na ki ky’alina okukola ng’Omuganda mu bukulembeze.

5. Obuvunaanyizibwa: Abaganda balina okubeera ab'obuvunaanyizibwa, era nnyingo nkulu okunyweza obuganda mu mirimu n'ebifo eby'enjawulo.

6. Obukozi n'obutetenkanya: Abasaakaate basomesebwa n'okunywezebwamu obusobozi bw'okuvumbula n'okugaggawala mu ngeri eyeegombesa.

7. Obwebulungulule: Mu ssomo lino Abasaakaate basomesebwa n'okunyweza obusobozi bw'okukuuma n'okutaasa Obwebulungulule (obutonde bw'ensi), okwagala ennyo ettaka n'okulikuuma.

8. Obutebenkevu: Mu ssomo lino bayiga okukuuma Obwakabaka bwabwe nga buli ggulugulu.

9. Endya, ensula, obulamu bw'omubiri n'ebitone: Lino essomo likoleddwa okusomesa mu baana okwettanira okukuuma n'okulabirira emibiri gyabwe nga miramu era nga gyesobola.

10. Obukkiririza mu Katonda n'obulamuzi obw'obwenkanya: lino mulimu okusomesa n'okunywereza mu baana obukkiriza mu Katonda n'okulamula mu bwenkanya. Muno Abasaakaate bakubirizibwa okumanya nti waggulu wa buli kintu eriyo Katonda, era nti mu bye bakola walina okubaawo obwenkanya nga balamula.

11. Olulimi oluganda: Kino kissiddwaako nnyo essira Abasaakaate bamanye engeri gye balina okulweyambisamu obulungi ate n'okulwagala okusinga endala zonna.

Bayigirizibwa n'okukola ebintu ebyemikono omuli okuluka ebibbo, ebitambaala n'ebirala. Kino kikulu naddala mu baana abawala kuba be babeezaawo amaka amayonjo ng'ebikozesebwa be babyerukira. Bayigirizibwa n'enfumba eng'anda naddala ku mmere ey'amatooke, okuwaata, okusiba n'okufumba okutuuka ng'etuuse okujjula.

Abalenzi bayigiriziddwa obuvunaanyizibwa bw'omusajja Omuganda ng'okukolerera amaka.

Published on: Saturday, 12th January, 2008
http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1200151322ekisakate.jpg

==========

Re:EBYOBUWANGWA BYAFFE TETUBISULIRIRA

Posted by rambuka - 2008/01/19 01:04

---

tuyina okubikuma--kubanga kye kyawula omuganda ku musoga,omunyakole,omcholi,omunyolo-nabalala.

==========

Re:EBYOBUWANGWA BYAFFE TETUBISULIRIRA

Posted by omumbejja - 2008/01/22 02:25

Kabaka akwasizza Katikkiro Ddamula

Walusimbi (wakati mu ggandulula) ng'atambula ayanguwa n'abawagizi be okutwala Ddamula mu Butikkiro.

Bya Robert Masengere

EBIGAMBO bya Kabaka byayaniriziddwa emizira n'okubwatuka kw'engalo bwe yabadde akwasa Katikkiro J.B. Walusimbi Ddamula ku mukolo ogw'ekitiibwa mu maaso ga wankaaki w'olubiri e Mmengo.

"Walusimbi nkukwasa Ddamula ono okulembere bulungi Obuganda," Kabaka bwe yategeezezza ku mukolo ogwamaze eddakiika ttaano zokka. Mujaguzo zaakubiddwa wakati mu kutyabula amazina n'okujaganya okuva mu bantu abangi abaabaddewo abaakulembeddwa abekika kya Walusimbi eky'Effumbe.

Walusimbi eyabadde anekedde mu gganduula eya bbulu olwamukwasizza Ddamula n'ayolekera Butikkiro ng'atambula ayanguwa (kino kikolebwa olw'okutya okugimusikako). Butikkiro ge maka ga Katikkiro amatongole era bwe yagiyingidde n'alagira basale ente gye yagabudde. Ddamula muggo ogw'obuyinza Kabaka gwakwasa Katikkiro we okumulamulirako Obuganda.

Omukolo gwabaddeko Abalangira, abaaliiko Bakatikkiro Mulwanyammuli Ssemwo-gerere, Dan Muliika ne Mayanja Nkangi n'abakungu ba Kabaka abenjawulo, Sipiika wa palamenti Edward Ssekandi ne ssentebe wa muvumenti Moses Kigongo, Ssebaana Kizito ne Paul Kawanga Ssemwogerere.

Kyokka abamu baabadde beesunga Kabaka okwogera gye bali naddala ku by'ettaka. Wabula Ssaabasajja bwe yakwasizza Katikkiro Ddamula n'addayo munda mu lubiri n'abantu be ne bamugoberera. Yatuddeko mu weema eyamuzimbiddwa mu maaso ga Twekobe wabula yamazeeyo akaseera katono n'awuubira ku bantu n'agenda.

Oluvannyuma Omutaka Walusimbi yategekedde Katikkiro ekijjulo ku KK Beach e Gaba.

Published on: Monday, 21st January, 2008

http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1200935960Dp_rally2.jpg

==========

Re:EBYOBUWANGWA BYAFFE TETUBISULIRIRA

Posted by omumbejja - 2008/02/09 01:31

Learning all about good grooming and manners

STELLA NAKAKANDE

See, learn and practice" was the theme of the 2008 Kisakate organised by the Nabagereka of Buganda Sylvia Nagginda Luswata.

Kisakate is basically an event where children board in a school away from home and are equipped with the most basic and sophisticated of skills all in one go.

In Luganda, Kisakate is a word derived to mean an enclosure.

It dates as far as the ancient kings of Buganda. In the traditional setting, the Kabaka had chiefs who made it a point to fence their homesteads with long reeds. Within these homesteads, their children as well as those of their colleagues were groomed in cultural ideals. It is from this lot that the next Kabaka would choose another generation of chiefs, palace officials or even wives.

So for whoever wished their child groomed, even those in lower castes, the Kisakate (sometimes as per Buganda's counties) was always the option.

This time round, the grooming was done by tutors from university lecturers to ordinary women and men. It was moving to note that some of these actually boarded in the school together with the children.

Sunday 20th was when throngs of parents and onlookers flooded Mbogo Mixed Secondary School at Kawanda for the closure of the two week training camp.

Kisakate, where culture prevails, could be a theme to define the event, although it will only serve as an understatement.

The intake of participants tripled from 282 in 2007 to over 700 this year. Tribe was no issue. It was therefore no wonder that Ankole's Boaz Byaruhanga emerged as one of the best. And at the event, every one was a victor as each participant walked home with a certificate.

Jane Nayiga, a student of Lubiri S.S. carried home a 24-inch television courtesy of Samona for excelling among others. One would have thought that it is strictly a Baganda affair. That was just a misconception though. Essentially, it is not only the descendants of Kintu who require grooming in the best of manners, even those from Mundu and Sera, Iguru, Kairu and Kakama among others were involved. In the end, we are all Ugandans, aren't we?

It also cut across borders. There were children from Tanzania, and Congo.

The social status was also nothing to deter any one from participating, neither was physical disability. It was training for all youngsters from the age of 9 -18 at a cost of Shs102, 000 per head.

There were rather teary moments as well especially when physically handicapped Jeruminah Nabagala who came riding on a wheelchair donated by the sponsors of the event received a certificate engraved with her name and a loving hug from the Nabagereka, "our mother", as she was referred to during the event.

For Nabagala, the event was the first time she had gone out to watch the sun and actually discover that there is a blue sky and a world outside her charity home.

The emotional moments aside, the camp was all about learning in every way. The children did lots of arts and crafts like weaving mats and baskets, as well as knitting table cloths. This was aimed at improving their creative skills and opening their business eyes to all kinds of opportunities.

"We want these children to export these skills, we want them to learn and manifest what prevailed in the event," Mr. Aloysius Matovu Joy, one of the organisers said.

Business was however not all there was. Domestic skills were part of the package too. Children male or female were equipped with skills to help them manage homes and well be useful all the same. They were taught to peel and tie up food in the most sophisticated of ways with the acclaimed banana leaves. They were even taught how to watch the water in the food, clean the house and lay their beds.

In came the ssenga and kojja skills, advice the parents would rather skip. There were people to let the children in on this. And this for the children was enrichment.

Counselling was an addition to the package with children being educated on HIV/Aids and how best to protect themselves. Karate skills were taught and the struggle against Cross Generational Sex was enhanced.

The Kisakate was supported by Centenary Bank, Samona, Shoprite, Maganjo Grain Millers, Kinyara Sugar Works, Lweza Clays, Unilever, Britannia, Coca-Cola Company and Radio One among others.

A beautiful event, if I were to be asked, enriched with language, customs and tradition. So when the call is up for the aged like me, I guess kisakate will be the way to go.

==========

M7 AGENDA KATI?

Posted by Shaggy - 2008/02/09 12:18

Bannange wano Museveni watuuse agenda. Kubanga tulabye abakulembeze bangi aba vvoola abakade be ddiini naye okumaliriza nga bagudde kya bugazi. Simanyi oba Museveni agudde ddalu oba yerabidde byonna ebyaggwa ku banne be yaddira mu bigere. Wuuyo alwana n'abaganda, kati ate alumbye ba na ddiini. Nze ndowooza kati luno lwe lugendo lwe. Ate akimanyi kuba engeri gye yagambyemu nti naye yetegese buli ekijja kyona akirinze!!!!!

==========

Re:M7 AGENDA KATI?

Posted by Meli - 2008/02/09 13:25

Mpozzi nze kyemmanyi mu bulamu kiri nti, mu kulinda temuli buvumu bwonna. Mpozzi mu kusaba nokwesiga Omutonzi wo, nga bwewetegeka. Naye mu kulinda obulinzi? Kubanga bwotolinde, ekinajja lwekitajje? Bwekiba nga kino kyogerebwa lwa kutiisa tiisa, nze ndowooza abantu bwobakuba ennyo ku nsolobotto, nebaaba nga tebakyalaba kyebafiirwa, nga buli kimu okibasuzizza, nga obatadde mu kubeera desperate, ebyokutiisa bibeera tebikyaakola. Ba M7

nebanne bebalina emirimu gyonna, ssente zonna, bebajajjabiwa obulungi, bebalya obulungi, bebasula obulungi, bebalina byonna. Bebalina byebafiirwa ebingi mu deal eno yonna, nolweekyo aleke okulimba bebalina okutya. Ago mateeka ga Universe. Ayagala gateeke ne ku nsolo ojja kulaba nga gegamu gegakola. Nekimera kyemenya kituuke ku kitangaala. Naye bwaba nga ddala ayogera mazima, nga kyonna Mukama kyanamuleetera akirinze, ekyo kirungi ddala. Ffenna abakkiriza tuddamu nti Allelujah. Kubanga ababadde bategeka East African Confederation ate kati aba na Kenya bagobye banna Uganda ewaabwe, ekyo nakyo yabadde akirinze? Nga Confederation ategese kugikolera wakati mu muliro? Time will tell. Naye bbyo ebyokutiisa tiisa abiveeko, awulirize eddobozi lyabantu, kubanga lyeddobozi lya Mukama. Obudde tebunnayita nnyo, akyayinza oku saving-a abantu be okuva ku busungu bwa Katonda nga alwaniririra Baganda be.

==========

ebyobuwangwa byaffe tetubisulirira

Posted by omumbejja - 2008/02/11 22:18

Nze naye ssirowooza nti olugero olugamba nti ekijja omanyi kinyaga bitono mpozzi bandigambye nti osala amagezi newewoma, kuba ddala nebamala bakugamba nti baabo bajja, oyinza okwesanga nga emiggo gyobadde obategekadde okubawuttula ogyabulidde kagenderere nosaako kakokola tondeka mabega ate nga nenkonyogo zikuwerekera, naddala mu biseera bino byetulina abakeera okkola ogwa kanyama nga tebalina nagenda kwetaaga service yabwe, kale neeba ngaweeri esobola okozesebwa mukaseera konna akaba kazeewo .

Kuba nga tewali kyebalina kyaabwe kiryaawo kyebatya kuyononebwa oba ekyetagisa okukuuma , abo tulina bangi era oyinza okwebuuza bonna gyebavudde nga kaseera akatuufu katuuse, Ekirala bwolaba ebiri ewa muliranwaawo naddala ngolengerayo abekasukira omuliro omanya ekyokkola newetunulira newekebera olabe oba naawe amafuta ogakumidde awo kumpi nogongerayo ewala, nosala nessanja lyonna ekkalu wamu nomuddo omukalu oguba gukwetolodde .Kati ebiba bisigalidde kulyaamu kyolidde oba newesiwa amagengere go nozikira notoyagala kumanya muwendo gwabantu bakukyaawa nabasabirira kasaawa kali akokwambala lugabire kibaliga mpozzi nga bwezitaliiko left ne right:lol:

==========

ebyobuwangwa byaffe tetubisulirira

Posted by omumbejja - 2008/02/11 22:22

Naye bannamge Shaggy gwe olwareelo wazze kkola mini mini my mo omutwe gwange wawambye gwaaki nototandika wo gugwo kuba ddala bino bikwataganaki nebyobuwangwa byaffe tetubisulirila

==========

EBYOBUWANGWA BYAFFE

Posted by omumbejja - 2008/03/02 04:18

Omwana atannayogera tomuwa gonja

Gonja mmere nkulu eri abasajja.

Bya Edward Kalumba ne Keefa Ssentoogo

EKITOOKE kya gonja tekyabulanga mu nsuku z'Abaganda olw'emigaso enfaafa egikiriko. Ekitooke kino ddagala, mmere ate nga kigoba n'ebisiraani.

Gonja alimu ebika nga Manjaaya ng'ono abeera n'omunwe munene ddala ate nga muwanvu, mmamba, nnakattansase,ne nnakakongo akula ng'eminwe gye gyewanise.

Ab’e Mawokota be baasinganga okulima gonja kyokka oluvannyuma olw’obuwoomi bwe n’ebitundu ebirala byatandika okumulima. Kuno kwe kwava n’oluyimba nti. ‘Ewaffe e Mawokota gonja ayengera...’

Gonja ky’ekimu ku bitooke ebitwala ebbanga eddene okukula. Bwe kireeta eng’o kitwala ebbanga lya myezi mwenda okutuuka okuliibwa.

Wabula gonja okuva ku kitooke kyennyini, empummumpu, ebyayi n’omunwe gwa gonja biriko eddagala eritali limu. Omuntu gwe basibye omulundi ogusooka ebisiraani by’ekkomera obutamulondoola, abyeyambululira ku kitooke kya gonja. Oluva mu kkomera ayisibwa wakati w’ebitooke bya gonja nga bw’alaamiriza nti ‘ebisiraani by’ekkomera mbirese wano mu kitooke kya gonja’.

Emirandira gya gonja gyongera ku bungi bw’ebisa eri omukazi agenda okuzaala. Gino gigattibwa n’emirandira gy’akakumirizi, omulandira gw’ejjobyo wamu n’ogw’omusambya. Biyisibwa ku muliro omukazi n’agaaya.

Kyo ekyayi kivumula ettalo. Kino kisibibwa waggulu ne wansi olwo ettalo ne lisigala wakati okutuusa lwe lyengera. Wabula ate yo empummumpu ddagala lya binnyo mu baana. Bagagambulako ebintu 4 bye bafumba. Bwe biggya omwana n’alyoka anywangako mu bipimo bitono ddala okutuusa lw’atereera.

Obukalakate bwa gonja buziba enkundi y’omwana egaanyi okuzibikira. Ono aba mwokye gwe bakalakata n’oluvannyuma obukalakate ne babumamirira mu nkundi y’omwana.

Amasanda ga gonja gayamba omwana addukana okulekera awo. Ofuna obusanda okuva ku munwe gwa gonja ogukyali omuto n’okamulira ku kagiiko omwana n’anywa.

Mu basajja abafumbo ng’oggyeeko emmere eng’anda, gonja ayamba okubazzaamu endasi. Ono ayinza okuba omufumbe oba omwokye.

Wabula newankubadde ebyo byonna biri bityo, kiwanuuzibwa nti gonja wa kisiraani singa omukozesa obubi. Singa omulya ng’obadde tonnalya kintu kirala kyonna n’obaako emirimu gy’ogendako, gidobonkana. Ng’onoomulya waakiri munda sookayo emmere endala.

Gonja omubisi kiwanuuzibwa nti wa kisiraani okumutambuza. Kigambibwa nti singa otambuza gonja omubisi, gy’olaze ebintu tebitambula bulungi. Ky’okola okutangira ebisiraani bino, oggyako omunwe gumu emmotoka n’egulinnya oba ggwe wennyini okugirinnyisa ekigere n’ogubebentula.

Gonja taweebwa mwana atannayogera. Okufaananako n’endaggu, singa omwana atannayogera amulya, kigambibwa nti ayinza okulemwa okwogera.

Ekitooke kino tekisimbibwa wakati mu lusuku. Kisibimbwa ku nkingizzi nga kigambibwa nti singa asimbibwa wakati mu nnimiro, olusuku lunyiiga era luyinza n’okusenguka.

Tasalwako mpummumpu so nga n’endagala tezifumba. Mu kuyunja,omugogo tegutemwa gwonna nga bw’oyunja ettooke wabula guno gukutamizibwa bukutamizibwa n’olyoka otemako gonja.Singa emizizo gino gisobezebwa, ggwe akikoze oyinza okufuna obuzibu.

Oyo ye gonja kawoomera!

Published on: Saturday, 1st March, 2008
http://www.connectuganda.com/images/fbfiles/images/1204378672Dp_rally2.jpg

==========

Re:EBYOBUWANGWA BYAFFE

Posted by omumbejja - 2008/03/02 23:47

Pulaani ya katikkiro okukulaakulanya Olubiri yagyebuuza ku b’ani?

Bya Maria Ssettimba

KAMALABYONNA Ying. John Baptist Walusimbi, okulangirira nti agenda kusala mu lubiri lw’e Mmengo poloti alukulaakulanye, nti era asale ne mu masiro g’e Kasubi agalekerewo yiika 20 zokka, kiwaawaaza amatu.

Kino kinzijukiza olukwe lw’okutunda ku masiro g’e Kasubi wazimbwewo essundiro ly’amafuta. Kino twakoma okuleebuukana nakyo mu 1998. Mu ngeri y’emu eby’okusala poloti mu lubiri bwe byatandiikiriza, eyali Katikkiro Daniel Muliika yabiwakanya, era n’awagirwa abataka n’olukiiko. Ate kati nneewuuunya okuwulira ng’amuddidde mu bigere ayagala kukomyawo ekintu kye kimu.

Buganda tegaana nkyukakyuka kasita ziba nga tezizze kuggyawo nnono naye nga zigenda kuzitereeza, kuzikuuma na kuzinyweza. Naye era enkyukakyuka ng’ezo tezigwa bugwi. Walina okubeerawo okwebuuza ku Baganda nga bayita mu bika byabwe 56 ne mu masaza gaabwe 18 okutuukira ddala wansi ku byalo. Okwo kw’ossa abataka abakulu b’ebika okulung’amya. Ebyo byonna nga bimaze okukolebwa Olukiiko lwa Buganda ne lulyoka lusalawo eky’enkomerero.

Nze nnawa dda amagezi nti mu kifo ky’olubiri n’amasiro okusalwamu poloti zitundibwe, buli kika kiweebweko ekibanja kikikulaakulanye. Kisobola okuzimbawo ekintu kyonna ekiyingiza ensimbi kasita kiba nga tekyesittaza Kabaka na kukoonagana na nnono.

Labira ku kitebe ky’obusiraamu e Kampalamukadde, ettaka eryo terisaliddwaamu poloti ne zitundwa wabula olukiiko lw’Obusiraamu lunoonyezza ensimbi ne luzimbako amaduuka ge lugenda okupangisa abasuubuzi kasita baba nga tebagenda kussaawo birabo bya mwenge, loogi n’emidaala gy’embizzi.

Obwakabaka bwaffe okusangulwawo mu 1966 okutuusa lwe bwaddawo mu 1993, waliwo ebintu bingi ebyasoba era y’ensonga lwaki tubonaabona. Abantu bangi abakyamu abali mu bifo omuli n’abataka abaalya ensowole.

Bano tebakoma ku butamanya bye bakola, naye tebabaako kulung'amizibwa kwa bifo ebyo. Labira ku 'Namulondo' ey'omulandira Kabaka Kintu kwe yattira Kabaka Bemba e Naggalabi era okutuuzibwa Kabaka ng'atikkirwa. Gwakala, ekiragula akabi akali mu Buganda kyokka wadde nnakunga Abaganda fenna tugende e Naggalabi kino tukisalire amagezi, naye teri Muganda yafaayo.

Mu byafaayo bya Buganda, omulandira ogwo tegukalangako.

Kisaana kimanyibwe nti ekimu ku byayuuza obwakabaka mu kyasa kya 20 be baminsani okutulemesa okukola emikolo gyonna egy'amatikkira ku Kabaka Daudi Chwa ll mu 1914 ne Sir Edward Muteesa ll mu 1939.

N'olwekyo, Kabaka bw'aba aliko emikolo gy'atakolanga, asaana agikole sikulwa ng'omulandira okukala Obuganda bunyiivu.

Nsaba bajjajjaffe abataka n'ababaka b'Olukiiko lwa Buganda bawakanye enteekateeka ya Katikkiro ey'okusala mu lubiri n'amasiro poloti ziguzibwe bannaggagga. Olwo tunaaba na njawulo ki ne Pulezidenti Museveni gwe tugamba nti atunze ensi yaffe?

==========

Re:EBYOBUWANGWA BYAFFE

Posted by omumbejja - 2008/03/03 03:14

The consultant continues, "Nkoyooyo claims that the original plans for Lubiri cannot be stopped And by original plans, he seems to mean the construction of shops, hotel, restaurants and other facilities based on the original proposals by Anatoli Kamugisha and blessed by Museveni, Salim Saleh and other Banyankore/Banyarwanda". The fund raiser on September 21, 2007 seems to support the consultant's information. First, Sekanyola been reliably informed that promotion of this event on local radios was financed by Apollo Nsibambi, not Mmengo. Then, curiously, Bishop Baharagate, who presided over the illegal allocation of Butabika Hospital land to Museveni cronies, was present. As were Indian representatives of Museveni's BIDCO LTD, which, through its Ssese operations, has done the most extensive environmental damage in Buganda's history.

In 1999 Yoweri Museveni pledged Shs 900 Million for the completion of Twekobe (Kabaka's main house in Lubiri). He has not honored that pledge. Furthermore, Museveni's government already owes Buganda billions of Shillings in unpaid rental bills. Without regard to the previous false promises Museveni's Apollo Nsibambi went ahead and, with a straight face, announced that Museveni had pledged Shs 50,000. And with an even straighter face, Nkoyooyo clapped hard and profusely thanked Museveni. from ssekanyolya

==========